WEGENDEREREZE NG'OGABA AMABANJA

BW'OKUUMA ebitabo bya bizinensi yo kikuyamba okumanya engeri y'okukwatamu amabanja.Tekiba kirungi kugaba mabanja naye olwe'embeera mwe tukkolera weesanga ng'ogabye.

Ekizibu ky'okugaba amabanja kiri nti bakasitoma olluusi tebasasula mu biseera bye mwalagaana ate abalala tebasasulira ddala. Kyokka ate ku ludda olumu okugaba amabanja kirungi kubanga kikkuuma ngo'lina bakasitoma abolulango.

Omuntu bw'aba omuli w'ebanja mu bizinensi nga muntumulamu si muyaye ,oyo oba omwekutte . Lw'aba n'esimbi eza buliwo azireeta era nga bw'aanona ebbanja. Atasobola n'okusindikira abaguzi abalala ng'agamba nti mugende ewa gundi y'agaba amabanja.

Ekirala abalya amabanja bakuleetera ensimbi mu muzindo. Omuntu ayinza okutwala ebintu bya bitaano (500/-) ,oba olukumi(1,000/-) ne giwera emitwalo ebiri oba esatu. Bw,agenda okukuwa azikuwa lumu ate n'oobaako eky'o mugaso ky'ozikolamu.Wabula manya nti amabanja olina kugawa abo bokka be weesiga**.**

Kale nga tumaze okulaba ebyo, jjukila nti toyinza kugaba mabanja nga tokuuma bulungi bitabo, era bw'okigezaako manya nti bizinensi ogisudde. Toyinza kukwata bintu by'ogabye amanja olunaku oba omwezi mu mutwe.

Abaguzi baffe abamu sibeesimbu . Oyinza okumuwa ebintu bya (10,000/- bwe wayita akaseera n'akugamba nti omubanja (7,000/-, kale kiri gy'oli okuwandinka buli kamu. Ate biwandiike nga naye akyaliwo oba omuntu gw'akutumudde ng'akyaliwo okwewala obuzibu. Era bwe kiba kisoboka ateekeko omukono gwe.